**02nd September 2018**

# OKUKKIRIZA II.

**Abaebbulaniya 11:20-40.**

Nga tuli mu kitundu ky'enkomekkerezo z'ebbaluwa eri Abaebbulaniya, leero tweyongera okusomesebwa mu ssuula ey'ekkumi n'emu, emanyikiddwa ennyo, ng'essuula y'okukkiriza, ewa entegeera y'okukkiriza, awamu n'eby'okulabirako by'okukkiriza okuva mu ndagaano enkadde, olwo ng'omuwandiisi afuba okukakasa Abayudaaya be yali y'akamatiza obusukkulumu bw'obwakabona bwa Yesu Kristo obutuweesa obulokozi obw'olubeerera nga bwe buli obwannamaddala olw'okukkiriza so si olw'ebikolwa by'ennono z'abajjajjababwe.
Nga bwe twaalaba omulundi oguwedde, yasooka bbategeeza okukkiriza kye kuli, nga bwe kuweesa ebisuubirwa era ebitalabwaako obukakafu bw'obwannamaddala mu buliwo (Proof of the reality of the things hoped for and unseen in the present).
Nti nga bwe bulamu bw'omukkiriza. Era awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Tweetegereze, tagamba nti kiba kizibu okusanyusa Katonda, wabula toyinza…..(It's not just difficult, but impossible). Buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n'abo abamunoonya n'obwesigwa abawa empeera. Kubanga Katonda gwe tukkiriza talabwa na maaso gaffe ag'obuntu wabula amaaso gaffe ag'okukkirirza, n'okumugondera kusinziira ku bwannamaddala bw'empeera gyaasuubiza enkakafu eyannamaddala mu buliwo. Twaayiga nti okukkiriza kutuleetera okutegeera, naddala ebyo ebizibu okutegeera.
Okwaawukana ku kukkiriza buli omu kwaalina ku nsi kuno mu bulamu, okukkiriza kw'omuby'omwoyo kuno, (Spiritual faith), kuba n'obwesige mu Mukama Katonda, mu linnya lya Yesu Kristo.
Ky'ava awa eby'okulabirako by'abo bonna abaakola byonna bye baakola olw'okukkiriza, si nti bye byaabatuukiriza eri Mukama, wabula nti by'asinziirwa mu kukkiriza kwaabwe.
Okuviira ddala ku Jjaajjaabwe era owaffe Ibulayimu nga bwe twaalaba, Aberi, Enoka, Nuuwa, Isaaka ne Yakobo, awamu ne Saala. Nti wadde bonna tebaali abo abatuukiridde mu bulamu bwaabwe, olw'okukkiriza kwaabwe era baasiimibwa Mukama okutuukirizibwa gyaali.

Mu kusoma ekitundu kye tuyigirizibwaamu leero…..Nny 20 – 40……